# Buli muntu asobola okukola n'abeera bulungi - Ntake

**Ensi Kuyiiya**



MICHAEL M.SSEBOWA
mssebowa@newvision.co.ug

WIIKI ewedde twafunye omukisa okuwulira ebigambo eby'amagezi okuva eri abantu abatasangika, abakoze ebintu eby'amaanyi era ne basobola okubibeezaawo.

Twabadde mu musomo gwa Pakasa Forum ogutegekebwa kkampuni ya Vision Group efulumya Bukedde ku kitebe ky'ekitongole kya Enterprise Uganda e Butabika, Luzira.

Mu bano mwabaddemu Dr. Dennis Ngabirano owa Sumz, Aga Sekalala Jr owa Ugachick ne Owek. Dr. Can. Gaster Lule Ntake abaatuwadde ekikolo n'eddagala.

Naye leero ng'enda kukusunirako ku bimu Owek. Lule bye yatuwadde ebyalese bonna abaabaddewo nga bamunyenyeza mitwe.

Gwe njogerako ye musajja eyatandika bizinensi ya Ntake kati emanyiddwa wonna mu ggwanga era evuddemu endala nnyingi, ne ppaketi bbiri ez'eng'ano ng'akola kkeeki ne mukyala we Edith Lule ze baaguzanga baliraanwa baabwe. Oluvannyuma baagejja ne bagenda mu migaati era ekiseera kyatuuka nga bakozesa ttaani z'eng'ano 25. (Buli ttaani ebeeramu kkiro 1,000).

Mu kkampuni eyo muvuddemu kkampuni ekola eng'ano eya Kaswa, ekkolero lya butto, ssabbuuni, ettundiro ly'ebizimbisibwa, ebizimbe mu Kampala wakati, TV ya Delta, bazzeeyo e Kyotera gye basibuka gye basimbye ekibira ky'ebinazi okwongera okukola butto n'ebirala ebivaamu era n'emirimu emirala mingi gye siyinza kumalayo wano.

Mu mirimu gino gyonna aweereza Ssaabasajja n'Ekkanisa obuteebalira!

Yatugambye nti, erinnya Ntake nnyina ye yalibawa era nga liva mu lugero olugamba nti, "Amagezi ntakke, ekula y'ebuuka". Era ndowooza lubatambuzza bulungi ddala.

**Yatuwadde amagezi mangi ge sisobola kumalayo wano era ka nkuweeko ebitonotono :**

- Bw'otokwatagana na mukyala wo kijja kuba kizibu okukulaakulana. Ono bw'atakuwagira mu by'okola emirimu tegijja kutambula bulungi. Mukazi wo ono ye muntu asinga okukutegeera mu nsi n'okusinga bazadde bo kubanga osula ñaye buli lunaku, akumanyi endya n'ensula, mulage pulaani zo, zimunnyonnyole azitegeere era aziwagire.
- Omukazi w'ennaku zino takyayagala kumwewuunyisa ng'omukolera ebinene, nedda tuula naye mukkaanye ky'oyagala okumuwa, oyinza okuba nga ggwe ky'olowooza nti, ky'ekikulu, ng'ate ye alina ekisingako.
- Tulina akaawunti ne mukyala wange, kyokka buli omu alina obuyinza obuyiwako omukono ssente ne zivaayo. Kubanga buli omu alina obwesige mu munne nti, okusalawo kwe akukola ku lwa bulungi bwa bizinensi ne ffamire yonna.
- Abaana bonna balina okumanya emiramwa kwe mutambulira era n'ebiruubirirwa byammwe nga ffamire era bateekwa okwenyigiramu. Ffenna tutuula ku mmeeza ne tukkaanya ku bye tugenda okukola era ffenna ne twenyigiramu.
- Fuba okusitula abooluganda lwo babeeko bye beekolera era babeere n'obulamu obulungi. Bw'oba oyagala okumanya omuntu ayagala okuyamba abalala sooka olabe oba ayamba abooluganda lwe, bw'aba tabayamba tayinza kuyamba balala.
- Muweerere abaana. Nze ssente nnazisanga Wandegeya era saatawaana kuyingira Makerere. Kyokka abaana bange mbaweeredde era nninawo omu wano eyansoose okutuuka wano, abadde California ng'asoma era yamalirizza n'akomawo. Ate n'abalala basomedde ddala, bajja kutuyamba mu bintu bingi.
- Ekyama ky'okukola ssente kiri mu kufuna eky'okukola ekituufu, n'ofuna obukugu mu kyo n'okiremerako mu mbeera yonna.
- Kuuma omutindo mu buli mbeera, akatale kajja kwekola kokka kubanga buli akozesa ku ky'okola ateekwa okudda ate n'ategeeza n'abalala. Ntake erina ebyuma by'emigaati mu bibuga ebirala nga Masaka, Mbarara ne Jinja, kyokka emigaati gye bikola omutindo gwe gumu.
- Tokola mpalana ku b'oli nabo mu bizinensi. Nze sikikweka, Mw. Amos Nzei ye yampa akatabo k'ekyuma ekikola emigaati era n'okutuusa kati mukwano gwange nnyo.
- Buli ssente gy'ofuna gitwale mu bbanka. Bw'ossaayo 80, n'otuuka ekiseera okuggyayo ezikola ne bw'oggyayo 75, awo oba oleseeyo etaano, ekiseera kijja kutuuka ng'olaba ng'ezisigalayo zongera okuwera.
- Ezisigalayo bwe ziwera baako ky'okolamu ekiyingiza ssente kyokka nga tokissaamu maanyi mangi ng'ennymba y'abapangisa. Nze nnagula ekizimbe mu 1977, 78 naye na kati kikyampa ssente.
- Weewole ng'okakasa nti, bizinensi gy'olina esobola okusasula ssente za bbanka ze weewoze. Teweewola ssente kutandika bizinensi, ssente ezitandika zirina kuva mu ntuuyo zo era bw'omala okulaba nga bitambula olwo weewole.
- Nze nnatunda ekizimbe kyange mu bulumi, naye buli lwe nnakitunulangako nga kinnuma naye nga nange bwe ntuuka ku kyuma kye nnagula mu ssente ezo nga nkigamba nti oteekwa okuzzaawo ekizimbe ekyo. Ekirungi, ekyuma ssente kyazikola ne kizimba n'ebizimbe ebisukka mu kimu.
- Gondera Gavumenti : Wandiisa kkampuni kubanga bw'otakikola ojja kwefiiriza bingi. Omusolo gusasule era ogusasule mu budde nabo obagambe bakuwe satifikeeti ekakasa nti, gwonna oguwadde baleme kuddamu kukutawaanya gye buggya, kubanga kino kisobolera ddala okusuula bizinensi.

Nga bwe nnakugambye ku ntandikwa nti, sisobola kubimalayo era binnemye okumalayo naye ka tukome wano. Era naye kennyini obudde bwe twali tumuwadde yabugaanye n'asaba aweebwe essaawa nnamba n'eddakiika 20 ekintu buli eyabaddewo kye yakkirizza, kyokka nazo zaaweddeko nga akyatuwa.

Weebale nnyo Owek. Dr. Canon Gaster Lule Ntake.

**Tusobola okwongera okuwuliziganya ku mukutu gwa WhatsApp ku 0772407125.**

**ENGERO Z'ABAGAGGA: Baba babuulira omwana wa boobwe nga ow'omunaku okutu**